Jeddah Midwest Dawah Association
جمعية وسط وغرب جدة الأهلية
للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات

# Katonda yaani?

من هو الله؟

اللغة الأوغندية

# KATONDA DDALA YAANI?

Aani Katonda?

Kimanyidwa munnimi nyingi nti Katonda ne'bintu ebirala abantu bye'beesinza biyitibwa amanya agasukako mulimu. Muluwarabu elinya, Allah, lyeelikozesebwa nga lyeelinya lya'Katonda yekka. Allah lyeelinya lya'Katonda ettoongole. Tewali muntu oba kintu kyonna kikkirizibwa kuyitibwa Allah. Elinya Allah kigaambo ekitavamu kigaambo kirala okulaga obunji bwe'ekintu. Ekyo'kulabilako, eppaapari' limu, muvaamu amapaapari', singa gasingako kulimu. Naye Allah asigalilayo nga' Allah mubwanamunigina bwekigambo okulaga nti ddala Mukama Katonda aali omu. Allah lyeelinya lyo'togamba nti lya' abakazi oba lya'basajja. Kino kitulaga nti Mukama Katonda simukazi era simusajja. Talinga ffe ebitondebye.

Elinya, Allah, lilaga Mukama Katonda mubwannamuniginabwe mubwa'Katondabwe. Allah, lye'linya lya'Katonda mululimi lwa Jesus (emirembe gibeere kuye) Aramaic, olulimi olweefaananrlizaako no'ruwarabu.

Eri omusilamu, Allah, yennanyini maanyi nobuyiinza bwonna. Yemutoonzi era ya'yimirizaawo ensi yonna. Teyeefaananirizibwa era tewali kimweegattako, mubuli ngeri yonna, mubwa'Katondabwe. Omubaka wa'Katonda, Muhammad (S.A.W) yabuzibwa abaantu aba(aliwo bubiseerabye ebikwaata ku'Katonda eyakula na'gulumira. Mukama Katonda na'baddamu mukitabokye ekitukuvu, Quran. Ekitundu kya' Quran kino kye'kiragila ddala obwannamunigina bwa' Mukama Katonda nga ddala yye tayina kimufaanana oba kimweegattako mubwa'Katondabwe. Ekitundu kino kye'kya 112, kisoma bweekiti:

Mulinya lya'Katonda omusaasizi enyo owe'kisa ekinji. Owange Gwe [Muhammad (emirembe no'kusaasira bibeere kuye)],"Bagaambe, [nti] Yye ye Allah, namunigina [omu yakka]. Allah, yeyeyimirizaawo [mubulingeri yonna] era Yye yayimirizawo buli kitonde. Tazaala era tazaalibwa. Era tewali kimweefaananirizako mubwa'Katondabwe. (Quran : chapter 112)

Abaantu abaatali basilaamu bagamba nti Katonda yeelondalonda era wattima. Simwaagazi era talina kisa. Obusilaamu tebukkiriziganya naandowoza eyo. Obusilaamu bugamba nti,

Katonda mwaagazi ddala era waakisa nyo. Ekyo'kulabilako, ekitabo kyoobusilamu, Quran, kirina ebitundu 114, naye ebitundu ebyo byonna, okujako ekituundu kimu kyokka, bitandika ngabigaamba nti, "Mulinya lya' Allah, omusaasizi enyo owe'ekisa ekinji". Era munjogera ya mutume, Muhammad (S.A.W), agaamba nti, "Allah mwaagazi ere waakisa eri abaantube okusinga obwaagazi no'mukwaano ne'kisa nakizaalizi (mama woomuntu) byaalaga omwaanawe".

Allah wa'mazima era tasaliriza. No'lwekyo abakozi be'bibi bagenda kubonerezebwa olwe'bibi byaabwe. Ate abo abaagondera Katonda balifuna ebirungi no'kutibulwa no'mokwano okuva eri Mukama waabwe, Allah. Olwe'kisa kya' Katonda kyaava tabeela musalirizi, wabula, wa'mazima ddala. Abaantu abakola ekyo kyonna ekisoboka okugondera Katonda, no'kumwesinza no'kumuwereza okumala obulamu bwaabwe bwonna obwo'kunsi, ate naabo abalimala abuulamu bwaabwe nga babonyabonya baantu banaabwe, Mukama Katonda tageenda kubayisa mungeri yeemu. Oyo alowooza nti baliyisibwa mungeri ye'mu aba alimbisizza obuvunanyizibwa bwo'muntu kunsi eri mukamaawe, Allah, kulunaku lweenkomerero. Era aba alimbisizza empeera ne'birungi ebya'subizibwa oyo alyeeyisa oburungi mubuulamu bwe'nsi eno. Omuntu oyo aba takkiririza mu'lunaku lwe'nkumerero, olunaku lwo'kusalilwaako emisango, olunaku lwo'kubonerezebwako oba olunaku lwo'kufunirako empeera okusinzira kunfuba yaffe munsi. Empeera yo'kweyisa oburungi Mukama Katonda agisuubiza mukatuundu ka Quran kano, akagaamba nti: "Ddala abaakozi be'birungi, abatya era abaagondera Katonda, balibeera nennimiro eziribawa essanyu ne'mirembe okuva eri omulezi waabwe. No'lweekyo [olowooza] abaakkiriza tulibayisa mungeri yeemu nga'batakkiriza? Kiki ekikuliko? Oli mulamizi wangerikyi?" (Quran 68:34-36).

Obusilamu bugaana okulowoolereza Mukama Katonda mungeri yonna etali ntuufu, nga okugamba nti Katonda asinga kwaagala abantu bano oba abantu bali, kaangezese, olwakkala yaabwe, oba olwo'bugaga bwaabwe, oba ensi jebavamu, oba olwe'nsibuko yaabwe, oba olwa'maanyi gaabwe. Obusilamu bututegeeza nti Mukama Katonda yakkola abaantu bonna nga benkanankana.

Enjawulo eri mubaantu eva kunzikiriza yaabwe mumitima jaabwe era No'lwekyo nebagondera Mukama Katonda, nebamuwereza era nebamweesinza mungeri ensingayo oburungi. Omuuntu asiinga okujjumbira ensonga ezo essatu wagulu, ya'singa okuba omurungi mumaaso ga' Mukama Katonda.

Obusilamu tebukkiriziganya nabilowozo ebiraga nti Mukama Katonda yeetaga okuwummula nga obu'krystaayo bwebugamba nti Mukama Katonda yawummula kulunaku lwa'Sunday oluvanyuma nga'maze okukola ebitonde, oba endowoza nti Mukama Katonda yakwaatagana no'mu kubasirikalebe nebeekuba ebigwo, oba ebirowoozo nti Mukama Katonda wa'mpiiga nti era akolela abantu obukodyo, oba nti Katonda yajjila mukifaananyi kyo'muntu yenna kunsi. Obusilamu tebukkiriziganya nandowoza ezo zonna. Embeera ya' Allah tefanagana naya'bitonde mubungeri yonna.

Erinya lya' Katonda, Allah, eritalaga bungi bwa'kintu, silya'bakazi oba bassajja, wabula liyimirilawo obwanamunigina lyokka lilaga nti Mukama Katonda ali Omu yekka era tewali kimwefananiriza. Obutume obwaatumibwa, Mutume Muhammad (S.A.W) era obwatumibwa abatume ba' Mukama Katonda abalala abamusoka kunsi - kwaali kuyita bantu bonna kudda eri Mukama waabwe Katonda omu. Obusilamu butwala okugatta ku Mukama Katonda ekintu ekirala kyonna mubwa'Katondabwe nga kyekibi ekisingira ddala obunene Mukama Katonda kyaatagenda kusonyiwa (okujjako eri oyo ariba yeetonze nga tannafa). Mukama Katonda alisonyiwa ebibi ebirala eri oyo gwaliba ayagade.

Mukama Katonda teyatondwa , wabula, yye yemutonzi; teyatandika era tarizikirira; tafananwa mubuli ngeri yonna. Naye nga'te, byo, ebitoonde biyina entandikwa era birina nenkomerero. Kaleno singa Mukama Katonda afaanana ekitonde kyonna, kitegeeza nti naye alizikirila, naye kino kinyaamu nyo. Mukama Katonda yaliwo, era Waali era aliberawo emirembe ne'mirembe amiina. Mukama Katonda tayina mutonzi era yye ye'malirila mubuli ngeri yonna. Ye'mutoonzi era teyeetaga kutondwa, ya'yimirizawo buli kitonde ate ngaye teyeetaga kuyimirizibwaawo. Yeyimirizaawo yakka. Kaleno, okubelawookwe tekulina ntandikwa oba nkomerero.

Katonda omutoonzi tayina ntandikwa era tayina nkomerero – wa'ali emiremimbe ne'mirembe amiina.

Mukama Katonda waali era Yeyeyimirizaawo yekka. Yemutoonzi era yayimirizaawo buli kitoonde; ya'gaba obulamu era yatta. Tewali kiyinza kutuuka ku kitoonde kyonna nga Mukama Katonda takkirizza. Quran egamba nti: "Katonda Yemutoonzi wabuli kimu. Yemukuumi wabuli kimu. Yenanyini we'bisumuluzo bye'ggulu ne'nsi" (Quran 39, 62-63).

"Tewali kitoonde kitambulila kunsi okujjako nti eri Katonda ye'ri (yeva) ekyookulwa kyaakyo. Aamanynyi jebibera [ebitoondebye] era nejebyeekukumira. Byona ebyo biri mubuwaandike" (Quran 11: 6).

Katonda teyatoondebwa era teyava mukiintu kyonna. Yaliwo, waali era aliberawo emirembe ne'mirembe amiina.

### Amateendo ga 'Mukama Katonda

Mukama Katonda waalubeerera. Waali emirembe ne'mirembe amiina, no'lyeekyo, na'matendoge nago tegangenda kugwaawo – gagenda kubawo emirembe ne'mirembe amiina mubujjuvu bwaago nga tegaliiko kamogofu naaakamu nago ggaluberera. Abaange tuyimirilemu tweebuuze, ddala wayinza okubeerawo ba'Katonda abasukka kwo'mu ngabayina aamanynyi agankanankana kubuli kintu kyonna? Nedda, ekyo tekisoboka. Abaange tebalilwanye nebyebaatonda byonna nebabyoonona?

Quran eyogera kukigambo kyeembuziza waggulu bweeti: "Allah talina mutabani era tayina kimweegattako mubwa' Katondabwe. [Singa ddala waaliyo bakatonda abaalala], ddala buli o'mu kubo yaalyefunzizza ebitoondebye, ate abaalala baligezezaako okuwangula abaalala. Mukama Katonda agulumizibwe! Wawagulunyo okuva ebyo byebamugattako [mubwa' Katondabwe]. (Quran:23 : 91)

Era Quran egeenda mumaso ne'gamba nti: "Singa ddala waaliyo bakatonda abaalala abatali Allah s.w.t, [munsi ne muggulu], ddala zombi zaalibadde mukufaafaganirwa. Allah agulumizibwe, nannyini nteebe [yo'buyinza]. Ddala wawagulunyookusingira ddala ebyo byebamugattako". (Quran 21:22)

## Obwanamunigina Bwa' Mukama Katonda

Quran etujjukiza obuukyaamu obuuli mukukkiririza muba'katonda abaalala – ebiintu ebiilala Abaantu byebeevumburila,nga lubaale, emizimu, jinn ne'birala. Ebuuza nti: "Mweesinza ebyo mwekeny-nyini byemweekolera [byemweeterawo]?" (Quran 37:95)

"Gaamba [owaaye Gwe Muhammad nti], 'Ani Mukama weggulu ne'nsi?' Gaamba nti, 'Allah'. Gaamba, 'Mututte [ebintu ebirala okuba] abakuumi nabayaambi bamwe mukifokye [Allah]; ebyo ebitalina buyinza oba maanyi kweeyamba oba kweetuusako kabi konna? Gaamba nti '[abaange] Muzibe yeenkanankana no'yo alaba? Oba enzikiza yenkanankana ne'kitaangala? Bagataganya ku Katonda mubwa'katondabwe naabo abaatonda ebitoonde ebifaanaganako ne'bitoondebye nti babuzibwabuzibwa wakati webitoonde [ebya' katonda ne'bya lubaale oba ekintu ekilala kyonna Abaantu kyebeesinza atali Katonda]?' Gaamba nti, 'Katonda Yemutoonzi wabuli kintu kyonna; Aali Omu era takalambalilwako." (Quran 13:16)

## Embeela Yo'mukiliza

Okubeera omusilamu ekitegeeza nti olimumalilivu okugondera Mukama Katondawo eyakutonda, Allah, oyina okukkiriliza mubwannamuniginabwe, nti yye yekka Yemutoonzi, ya'beezawo ebitondebye, yaabiiwa (ekyo'kulya no'kunywa) – yemulezi wabuli kitonde. Okukkiriza kuno kweekuyitibwa, Tawhid Ar-Rububiyyah; naye ate okukkiriza kuno kwokka tekujjuza bisilamu bwa'muntu. Abaantu banji abaagatta ku'Katonda mukweesinza kwaabwe; bamanyi era bakakasa nti Katonda omutoonzi era omulezi webitoonde aali omu. Naye okumanya ekyo kyokka tekifuula muntu musilaamu. Omusilaamu bwaamala okukkiriza nti omutoonzi era omulezi we'biitoonde aali omu, ateekwa kweesinza Yye yekka, Mukama Katonda omu – gwaafukaamirira, gwaasaba obuuyambi, gweye'suubirizaamu era tayina gwaatya yenna nga tanatya Yye . Eno gyebayita Tawhid Al-Uluhiyyah – okweesinza Katonda omu yekka – buteesinza lubaale, oba okugamba nti Katonda ayina omwaana oba abaana oba okweesinza ekintu ekirala kyonna

Omuntu bwaamala okufuna okumanya Katonda oomu, ateekwa okweenyereza kukumanya okwo, na'kukiririzaamu buli kisera, era neyekuma obutatenkanyizibwa mukukkirizaakwe ne mundowozaye eyo.

Okukkiriza nga kuyingide mumutima gwo'muntu kukyuusa endowozaye, era nengeri jeyeyisamu (era nembeeraye ekyuuka). Endowooza yo'muntu nenkola yemirimuje bwebikyuka olyokumanya ekigaambo kya'katonda omu, kitegeza nti obukkiriza obutuufu bumaze okuyingira mumutima gwo'muntu oyo. Eemu munkyuukankyuuka yomutima olwokumala okukkiririza mu Katonda omu mwemuli okuwulila okusiima mu Mukama Katonda olwe'birungi bya'tukolera. Okusiima no'kwebaza Katonda kyeetagisa nyo eri oyo yenna omukkiriza kubanga kyekyinyusi kyo'kweesinza Katonda.

Okulaga obusiimi eri Mukama Katonda kyeetagisa nyo eri oyo omukkiriza. Oyo aba tasiima era neyebaza ebirungi bya'Katonda ayitibwa atasiima oba omukaafiiri.

Omukkiriiza ayagala nyo era asiima nyo Mukama Katonda olwe'birungi byonna bya'mukolera newankubade nti emirimu no'kweesinzaakwe tekujaamu birungi bya Mukama Katonda bya'mukolera. Omukkiriza buli kisera yelarikirila okwoonona naanyiza Mukama Katonda. Tayagala kunyiza Katonda era Tayagala kubonerezebwa kunsi kuno oba muggulu. Nolwe'kyo, omukkiriza atya Katonda era naamweewa okuba omuwerezaawe mubuwoombefu. Omukkiriza obulamubwe bwonna aba'nga ajjukira Mukama Katonda. Okujjukira Mukama Katonda bwe'bulamu bwo'bukkiriza. Okweelabira Mukama Katonda kumalamu obukiiriza mumutima gwo'muntu.

Quran okuyaamba abaakkiriza Okujjukira Katonda egeenda etontoma amateendoge emirundi ne'mirundi abaakkiriza basobole okumujjukira buli kisera. Ekyo'kulabilako mu Quran: "Yye ye Allah, Katonda yekka, teri Katonda mulala yenna okujako yye. [teri kintu kyonna kirina lukusa kweesinzibwa okujjako yye yekka, Allah]. Yemumanyi weebyo ebitalabwaako era ne'byo ebilabwaako. Yemusaasizi enyo owekisa ekingi. Yye Allah, atalina kyonna kimweegattako mubwa 'Katondabwe. Ye' Kabaaka, yemutukuvu, yatebenkela – talina kamogo, omuwa weddembe, omukuumi webitondebye, nanynyini maanyi, ommukasi, owawaggulu enyo. Allah agulumizibwe; [Waawagulunyo] okuva ebyo byebamugattako. Yye Allah, omutoonzi, omuvumbuzi wabuli kimu,

omuwi [wabuli kimu] enfaanana yaakyo. Amanynya agasinga obulungi gonna gage. Buli ekiri muggulu ne munsi kimugulumiza. Era Yennanyini maanyi gonna, Yemumanyi mubuli engeri yonna [namagezi, omukugu]". (Quran 59:22-24)

Quran: "Allah, teri Katonda mulala yenna okujako yye, owobulamu obutaligwaawo, omuyimirizaawo era omukuumi wabuli kitoonde. Tasumagira era teyeebaaka. Buli kiri muggulu ne munsi kikye. Ani ayinza okuwa obujulizi jaali okujjako nga'maze okufuna olukusalwe? Amanyi buli kikwaata [kubitondebye] mumaaso gaabyo ne' mabega gaabyo [munsi muno ne muggulu]. Tewali alibera nakumanyakwe okujjako yye nga bwaaba ayagadde. Obugazi bwe'ntebeye busimbuka muggulu okutuka ku'nsi, era tawulira bukoowu mukukuma nokuyimilizaawo [eggulu ne'nsi]. Era yye wewaggulunyo, eyagulumira". (Quran 2:255)

Quran: "Abaange mwe Abaantu bekitabo [aba'krystayo na'bayudaaya]! Temuyisaamu mudiini yamwe okusinga kweekyo Katonda kyeyalagira, era temwoogera ku'Katonda okujjako ekyo ekituufu. Massiah Isa [Jesus], mutabani wa Maryam [Mary} yali mutume wa Katonda era kyaali kigaambokye [nti, Bbera' era naabera] ekyaawebwa Maryam no'mwoyo okuva jaali. Kaleno, mukkiririze mu Allah ne mubabakabe. Temugaamba nti, 'ssatu' [Katonda, omwaana no'mwoyo omutukuvu]. Mulekere awo; ekyo kyekisinga oburungi Jemuli. Kubanga Allah, Katonda, aali Omu yekka. Yagulumira era wawaggulu nyo okubeera no'mutabaani. Buli kiri muggulu ne munsi, kikye. Allah ye'malilira okweekolera buli kintu". (Quran 4:171)

920008669
0558845030
www.jeddawa.sa
JedDawaSA
مسجلة في المركز الوطني لتنمية القطاع غير الربحي برقم ( ٣١٩٧ )
SA6780000223608010010008
SA0510000013149477000102